

من خلقتي؟ ولماذا؟

**Ani eyantonda ? Era lwaki
?**

Ani eyantonda ? Era lwaki ?

Buli kintu kyonna kiraga okubeerawo kw'Omutonzi

Ani eyatonda eggulu n'ensi n'ebitonde ebinene ebibirimu byotasobola kumanya n'omalayo?

Ani eyakola enteekateeka eno enzijuvu era nga ntukirivu mu ggulu ne ku nsi?

Ani eyatonda omuntu era namuwa okuwulira n'okulaba n'amagezi era n'amufuula asobola okufuna okumanya n'okutegeera ensonga?

Onnyonnyola otya enkola eno entuufu munkola yomubiri gwo era n'enkola yemibiri gy'ebitonde ebiramu ? Era ani yagitandikawo?

Butegekeddwa butya era bunywewu butya obutonde buno obunene n'amateeka gaabwo agabulung'anya ddala okumala emyaka n'emyaka ?

Ani eyassaawo enkola ezifuga ensi eno (Obulamu n'okufa, okuzaala kw'ebiramu, emisana n'ekiro, enkyukakyuka ya sizoni n'ebirara) ?

Ddala obutonde buno bwetonda bwenyini ? Oba teriyo gyebwava? Oba bwaliwo mu butanwa?

Lwaki omuntu akkiririza mu kubeerawo kw'ebintu by'atasobola kulaba? nga: (Okutegeera, amagezi, omwoyo, enneewulira n'okwagala) Si lwakuba nti

alaba ebivaamu? Omuntu ayinza atya okuwakanya okubeerawo kw'Omutonzi w'obutonde buno obunene nga alaba ebiva mu bitonde bye n'ebiva mu nkola ye, n'okusaasira kwe?!

Tewali ajja kukkiliza kutegeezebwa nti enyumba eno yajja nga teri agizimbye! Oba okugambibwa nti ekyateekawo enyumba eno tekiriyo! Bakakasa batya abantu abamu abo ababagamba nti obutonde buno obunene bwajja nga teriiyo abutonze? Omuntu ategeera ayinza atya okukkiriza oggambibwa nti obutereevu bw'obutonde buno bwajja mu butanwa?

Allah ow'ekitiibwa yagamba:

(أَمْ خُلِقُوا مِنْ غَيْرِ شَيْءٍ أَمْ هُمُ الْخَالِقُونَ، أَمْ خَلَقُوا السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ بَلْ لَا يُوقِنُونَ).

(Oba teriiyo kintu kyonna mwebatondebwa oba be batonzi, Oba be batonda eggulo n'ensi. wabula tebakakasa) [52 : 32].

Allah eyayawukana era owawaggulu

Waliyo omulezi era omutonzi omu, alina amanya n'ebitendo bingi ate nga binene ebiraga obujuvu bwe, era mu mannya ge mulimu: Omutonzi, Ow'ekisa ekingi, omugabirizi, Omugabi, ne (Allah) lye linnya erisinga obwatikirivu mu mannya ge. era amakulu

gaalyo ge gano: Asanidde okusinzibwa yekka nga teriiyo kimwegattako.

Allah ow'ekitiibwa yagamba mu Quran entukuvu:

(قُلْ هُوَ اللَّهُ أَحَدٌ * اللَّهُ الصَّمَدُ * لَمْ يَلِدْ وَلَمْ يُولَدْ * وَلَمْ يَكُنْ لَهُ كُفُوًا أَحَدٌ)

(Gamba ggwe "nabbi Muhammad" nti Allah ali omu¹

* ye Allah yeyesigamizibwaako

* Tazaala era teyazaalibwa

* Era teriiyo kintu kyona kimwefananyiriza) .[112 : 1-4]

Allah yagamba:

(اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ الْحَيُّ الْقَيُّومُ لَا تَأْخُذُهُ سِنَّةٌ وَلَا نَوْمٌ لَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ مَنْ ذَا الَّذِي يَشْفَعُ عِنْدَهُ إِلَّا بِإِذْنِهِ يَعْلَمُ مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ وَلَا يُحِيطُونَ بِشَيْءٍ مِنْ عِلْمِهِ إِلَّا بِمَا شَاءَ وَسِعَ كُرْسِيُّهُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَلَا يَئُودُهُ حِفْظُهُمَا وَهُوَ الْعَلِيُّ الْعَظِيمُ)

(Allah, tewaliyo kisinziibwa kyonna mubutuufu okujjako yye omulamu eyeeyimirizaawo ate ela ayimilizaawo ebitonde atasumagira yadde okwebaka, nannyini byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi, ani aliwolereza awali Allah okujjako nga amuwadde olukusa. Amanyi ebyo ebiri mu maaso gaabwe n'emabega waabwe, era tebasobola kutegeera kintu kyonna mu kumanya kwe okujjako ekyo kyabeera

¹ Era nga yye yekka y'atekedwa okusinzibwa mu bwomubwe.

ayagadde, Entebe ye yagaziwa okubuna eggulu n'ensi, era tebimuzitowerera kubikuuma " eggulu n'ensi" era y'asinga okuba omugulumivu n'obunene) .[2 : 255]

EBITENDO BY'OMULEZI ALLAH OW'EKITHIIBWA OMUGULUMIVU

Omulezi ye oyo eyatonda ensi n'agikkakkanya, n'agifuula esaanira ebitonde bye, Era yeyatonda eggulu n'ebitonde ebinene ebiririmu, era n'afuula enjuba n'omwezi, ekiro n'emisana obubonero bw'enkyukakyuka obulaga obunene bwe.

Omulezi Allah ye yatugondeza empewo gyetussa, tetubeera nabulamu nga teriiwo, era ye y'atonnyesa enkuba era ye yatutekerawo ennyanja n'emigga, era yeyatuliisa nga tuli mu mbuto za bamaama baffe nga tetulina maanyi, Era yatambuza omusaayi mu misiwa gyaffe, era nafuula emitima gyaffe nga gikuba lubeerera okuva kulunaku lwe twazalibwa okutuusa bwetulifa .

Allah omugulumivu yagamba:

﴿وَاللَّهُ أَخْرَجَكُمْ مِنْ بُطُونِ أُمَّهَاتِكُمْ لَا تَعْلَمُونَ شَيْئًا وَجَعَلَ لَكُمُ السَّمْعَ
وَالْأَبْصَارَ وَالْأَفْئِدَةَ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ﴾

(Era Allah ye yabajja mu mbuto za bannyamwe nga temulina kyemumanyi, Era nabawa okuwulila n'okulaba n'emitima musobole okwebaza [16 :78]

Omulezi asinzibwa alina okutendebwa n'ebitendo ebijjuvu

Omutonzi waffe yatuwa amagezi agategeera obukulu bwe, era n'atusigamu obubumbwa obutulaga obutukirivu bwe era mazima yye tekisoboka kutendebwa na bukendeevu.

Okusinza kulina okuba ku lwa Allah yekka era ye mutuukirivu asaanidde okusinzibwa, era buli ekisinzibwa mu kifo kye kibeera kikyamu era kikendeevu era kyakufa era kyakuggwaawo.

Asinzibwa tayinza kuba muntu oba essannamu oba muti oba nsolo.

Tekisaanidde muntu alina amagezi okusinza okujjako oyo atuukiridde, ayinza atya okusinza ekitonde ekiri wansi we "Allah"!

katonda tayinza kuba mwana mulubuto lw'omukazi nazaalibwa nga abaana bwebazaalibwa.

Katonda y'eyatonda ebitonde, era ebitonde biri mu mumikono gye era biri wansi webiragi byo; era abantu tebasobola mukolako bulabe era teri ayinza kumukomerera ku musalaba n'amutulugunya oba namuswaza!

Katonda tayinza kufa

Katonda y'oyo aterabira, ateebaka, wadde okulya emere, yemunene tayinza kubeera na mukyaala oba omwana; omutonzi ayina ebitendo by'obunene era tekisoboka lubeerera kutendebwa n'obwetavu oba obukendeevu, era obujulizi bwonna obulimu ebyawukana n'obunene bw'omutonzi obujwetekebwa kuba nabbi, bwo bujulizi bukyusekyuse era si bw'ebubaka obutuufu Musa, Isa "Yesu" n'ababaka abasigadde bwe bajja nabwo.

Allah owekitiibwa yagamba:

يَا أَيُّهَا النَّاسُ ضَرْبٌ مِّثْلٌ فَاسْتَمِعُوا لَهُ إِنَّ الَّذِينَ تَدْعُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ لَنْ يَخْلُقُوا ذُبَابًا وَلَوْ اجْتَمَعُوا لَهُ وَإِنْ يَسْلُبْهُمُ الذُّبَابُ شَيْئًا لَا يَسْتَنْقِذُوهُ مِنْهُ ضَعُفَ الطَّالِبُ وَالْمَطْلُوبُ (73) مَا قَدَرُوا اللَّهَ حَقَّ قَدْرِهِ إِنَّ اللَّهَ لَقَوِيٌّ عَزِيزٌ (74)

(Abange mmwe abantu mukubidwa ekifaananyi mukiwulirize, mazima abo bemusaba mukifo ky'Allah tebasobola kutonda wadde enswera newankubadde nga bakungaanye "ku lwayo", nebweba "enswera" nga ebaggyeko ekintu kyona tebasobola kugikiggyako, Abanja ne gwebabanja bonna banafu){ 73}

Tebagulumiza Allah mu bukakafu bw'okumugulumiza mazima Allah wa manyi era wa kitiibw [22 : 73,74].

Abaffe kisoboka omutonzi okutuleka nga tetulina bubaka

Abaffe kisoboka katonda okuba nti yatonda ebitonde bino byonna nga talina kigendererwa? oba yabitondera bwerere so nga yemugezi era omumanyi?

Abaffe kisoboka eri oyo eyatutonda mungeri entuufu era n'obukugu natugondeza ebiri mu ggulu ne munsu, Okututonda nga talina kigendererwa, oba okutuleka nga tetulina kwanukula ku bibuuzo ebikulu ebitujjira, nga : Lwaki tuli mu nsi? era kiki ekigenda okubeerawo oluvannyuma lw'okufa? era kigendererwa ki mukutondebwa kwaffe?

Wabula Allah yatutumira ababaka tusobole okutegeera ekigendererwa mukubeerawo kwaffe, era kiki ky'atwagalako

Allah yatuma ababaka okututegeeza nti yye yeka yasaanira okusinziwa. n'otuyigiriza engeri y'okumusinzamu, n'okututegeeza ebiragi bye n'ebyo byeyaziya, n'okutuyigiriza empisa ennungi ezo nga wetuzeekwatako obulamu bwaffe bubeera bulungi, era bujjula ebirungi n'emikisa.

Allah yatuma ababaka bangi nga: (Nooh, Ibrahim, Musa ne Isa) era Allah naawa ababaka abo

obubonero n'ebyamagero ebiraga obutuufu bwokuba nti babaka okuva eri omutonzi.

N'omubaka eyasimbayo ye Muhammad emirembe gibeere ku ye - era Allah yamusaako Quran ey'ekitiibwa.

Era batubulira ababaka bulungi nti obulamu buno kigezo era obulamu obw'amazima bujja kubaawo luvannyuma lwa kufa.

Era nti mazima eyo waliyo Jannah nga y'abakiriza abasinza Allah yekka nga tebamugattako era nebakiriza ababaka bonna, era waliyo n'omuliro nga Allah yagutekeratekera abatakkiriza abo abasinza bakatonda abalala awamu ne Allah oba nga tebakiriza mubaka yenna mu babaka b'Allah.

Allah ow'ekitiibwa yagamba:

يَا بَنِي آدَمَ إِنَّمَا يَأْتِيَنَّكُمْ رُسُلٌ مِنْكُمْ يَقُصُّونَ عَلَيْكُمْ آيَاتِي فَمَنْ اتَّقَى وَأَصْلَحَ فَلَا خَوْفٌ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ (35) وَالَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا وَاسْتَكْبَرُوا عَنْهَا أُولَئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ (36)

Abange mmwe abaana ba Adamu mazima bagenda kubajjira ababaka nga bava mu mmwe nga babasomera amateeka gange, oyo yenna anaatya katonda n'alongoosa tagenda kubeera nakutya yadde okunakuwazibwa (35)

N'abo abalimbisa obubonero bwaffe ne babwekuluntalizaako abo be banannyini kuyingira muliro (36)

[7 : 35,36]

Era Allah owa wagulu yagamba:

﴿ أَفَحَسِبْتُمْ أَنَّمَا خَلَقْنَاكُمْ عَبَثًا وَأَنَّكُمْ إِلَيْنَا لَا تُرْجَعُونَ ﴾

(Abaffe mwalowooza nti twabatondera bwerere era nti ddala temugenda kudizibwa gyetuli) .[23 : 115]

QURAN EYEEKITIIBWA

Quran eyeekitiibwa bye bigambo bya katonda ebyo byeyassa ku mubaka asembayo Muhammad. Era kye kyamagero ekisingayo obunene ekiraga obutuufu bw'obwa nabbi bwa Muhammad emirembe gibeere ku yye- era ky'ekyamazima mu mateeka gaakyo nemubigambo bya kyo, Era Allah yasomooza abagilimbisa baleeteyo newebeera e suula emu yokka eyefaanaanyiriza Quran nebalemwa okkikola olw'obulungi bw'eteekateeka n'ensengeka y'ebigambo bya yo. Era yabuna obujulizi bungi obw'endowooza n'enkola entuufu eraga nti mazima ddala kino ekitabo tekisobola kubeera nga kyakolebwa muntu wabula bigambo bya mulezi ow'omuntu owa waggulu.

Lwaki ababaka bangi?

Allah yatuma ababaka okuva muntandikwa babeere nga bakoowoola abantu okudda eri omulezi waabwe. nga babatuusaako ebiragiyo bye n'ebyo bye yaziyiza, era kwali okukoowoola kwabwe bonna: Kuzinza Allah yekka, Era wekyatandikanga ekibiina kyonna okuleka oba okukyusakyusa ebyo omubaka wa kyo byeyajja nabyo , Mukulagira okutongoza Allah, Katonda yatuma omubaka omulala okulongoosa ekubo, n'okuzza abantu ku bubumbwa obulamu nga batongoza Katonda n'okumugondera okutuusa Allah we yakomya ababaka ne Muhammad emirembe jibeere ku yye, oyo eyajja n'amateeka ag'olubeerera agabuna abantu bonna paka ku lunaku lw'enkomerero, agajjuza n'okusangulawo amateeka agasookawo. Era Allah yakakasiza ddala nti n'olweekyo mateeka nabubaka obw'olubeerera paka ku lunaku lw'enkomerero.

N'olweekyo ffe abasiraamu tukkiriza nga- Allah weyalagira - ababaka bonna n'ebitabo ebyakulembera.

Allah ow'ekitiibwa yagamba;

﴿ءَاْمَنَ الرَّسُوْلُ بِمَا اُنْزِلَ اِلَيْهِ مِنْ رَّبِّهِ وَالْمُؤْمِنُوْنَ كُلُّ ءَاْمَنَ بِاللّٰهِ وَمَلٰئِكَتِهِ وَكُتُبِهِ وَرُسُلِهِ لَا نُفَرِّقُ بَيْنَ اَحَدٍ مِنْ رُّسُلِهِ وَقَالُوا سَمِعْنَا وَاَطَعْنَا غُفْرَانَكَ رَبَّنَا وَاِلَيْكَ الْمَصِيْرُ﴾ [2: 285].

(Yakkiriza Omubaka ebyo ebyassibwa gy'ali nga biva eri Katonda we, n'abakkiriza. Buli omu mu bo

yakkiriza Katonda ne bamalayika be n'ebitabo bye n'Ababaka be . "bagamba abakkiriza" nti:Tetwawulawo wakati w'omu mu babaka be era nebagamba nti tuwulidde era tugonze. Tukasaba mukama waffe okusonyiwa kwo, era eri gwe y'eri obuddo)

. [2: 285]

Omuntu tasobola kubeera mukkiriza nga takkiririza mu babaka bonna

Oyo eyatuma ababaka ye Katonda, Era noyo awakanya obubaka bw'omu ku bbo abeera awakanyiza ababaka bonna. Tetuyinaayo musango nga okuwakanya obubaka bwa Katonda , era okukkiriza ababaka bonna kalombolombo mukuyingira e jannah.

Ekikakata kubuli muntu mu bino ebiseera kwekukkiririza mu babaka ba Katonda bonna. Era ekyo tekisoboka okujjako n'okukkiriza n'okugoberera asembayo era owenkomerero Muhammad emirembe gibeere ku yye

Katonda yagamba mu Quraan ey'ekitiibwa nti oyo yenna agaana okukkiriza omubaka yenna mu babaka be, abeera awakanyiza katonda naalimbisa obubaka bwe:

Soma aaya eno wammanga:

"إِنَّ الَّذِينَ يَكْفُرُونَ بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ وَيُرِيدُونَ أَنْ يُفَرِّقُوا بَيْنَ اللَّهِ وَرُسُلِهِ وَيَقُولُونَ نُؤْمِنُ بِبَعْضٍ وَنَكْفُرُ بِبَعْضٍ وَيُرِيدُونَ أَنْ يَتَّخِذُوا بَيْنَ ذَلِكَ سَبِيلًا أُولَئِكَ هُمُ الْكَافِرُونَ حَقًّا وَأَعْتَدْنَا لِلْكَافِرِينَ عَذَابًا مُهِينًا".

"Mazima abo abawakanya Katonda n'ababaka be, ne baagala baawukanye wakati wa Katonda n'ababaka be, ne bagamba nti: Tukkirizaako abamu ne tuwakanya abalala ne baagala okuteekawo ekkubo wakati w'ebyo byombiriri (obutakkiriza n'okukkiriza) *

Abo bo be abatakkiriza mu mazima, era twateekerateekera abatakkiriza ebibonyobonyo ebinyoomesa". [4: 150,151]

Obusiraamu kye kki?

Obusiraamu kwe kwewayo eri katonda nga omusinza yekka, n'okumugondera, n'okugondera amateeka ge nga oli musiimu era nga okkiriza.

Era Katonda yatuma ababaka n'obubaka bumu era nga bwebuno: Okukowwola abantu eri okusinza Katonda yekka nga tebamugasseekeo kintu kyonna.

Era obusiraamu ye ddiini ya banabbi bonna. okukowwola kwabwe kwaali kumu n'amateeka nga g'anjawulo, n'abasiraamu olwa leero beebo bokka abekute ku ddiini entuufu eyo ba nabbi bonna gyebajja nayo, era obubaka bw'obusiraamu bwe butuufu mubiseera bino; Katonda oyo eyatuma Ibrahim ne

Musa ne Isa "yesu" yoomu eyatuma omubaka asembayo Muhammad, Era amateeka g'obusiraamu gajja kusangulawo amateeka agakulembera.

Amaddiini gonna ago abantu gebakkiririzaamu leero- nga ojjeke obusiraamu- maddiini gatekebwaawo bantu. Oba gaali maddiini okuva ewa Katonda oluvanyuma ne gakyusibwa abantu okutuusa wegafuuka ebigatte by'obulimba n'engero ezaasikirwa n'endowooza z'abantu. Wabula enzikiriza y'abasiraamu eri nzikiriza emu etegeerekeka etakyuka, era tunuulira Quran eyekitiibwa kiri kitabo kyekimu mu nsi z'obusiraamu zonna.

Katonda yagamba mu Quran:

قُلْ أَمَّا بِاللَّهِ وَمَا أُنْزِلَ عَلَيْنَا وَمَا أُنْزِلَ عَلَىٰ إِبْرَاهِيمَ وَإِسْمَاعِيلَ وَإِسْحَاقَ وَيَعْقُوبَ وَالْأَسْبَاطِ وَمَا أُوتِيَ مُوسَىٰ وَعِيسَىٰ وَالنَّبِيُّونَ مِنْ رَبِّهِمْ لَا نُفَرِّقُ بَيْنَ أَحَدٍ مِنْهُمْ وَنَحْنُ لَهُ مُسْلِمُونَ (84) وَمَنْ يَبْتَغِ غَيْرَ الْإِسْلَامِ دِينًا فَلَنْ يُقْبَلَ مِنْهُ وَهُوَ فِي الْآخِرَةِ مِنَ الْخَاسِرِينَ (85).

(Gamba "gwe Muhammadi" tukkiriza katonda n'ebyo ebyasibwa ku ffe"quran" n'ebyo ebyasibwa ku Ibrahim ne Ismail ne Ishaaq ne yakuub ne ku bazukulu be n'ebyo ebyawebwa Musa ne Isa ne banabbi abalala bonna okuva eri mukama waabwe, tetwawula wakati w'omu n'omulala mu bbo era naffe gyalii" katonda" tuli bagoberezi (84)

N'omuntu anonya obutali busiraamu okugifuula eddiini ssi yakukkirizibwa kuva gy'ali era naye ku lunaku lwe nkomerero aliba mu bafafaganiddwa(85).

[3: 84,85]

Abasiraamu bakkiriza kki ku Isa 'yesu'?

Abaffe okimanyi nti abasiraamu kibakakatako okukkiriza n'okwagala n'okugulumiza nabbi Isa "Yesu" n'okukkiriza obubaka bwe obw'okukowwola abantu okudda eri okusinza katonda yekka etali kimwegatako! era abasiraamu bakkiriza nti mazima nabbi Isa "yesu" ne nabbi Muhammadi (emirembe gya Katonda gibeere ku bbo) baali ba nabbi, Era batumibwa kulungamya bantu eri Katonda n'ekkubo ly'ejannah.

Era tukakasa nti mazima Isa "yesu" emirembe gibeere ku ye yali mu babaka abasinga abo Katonda be yatuma, era tukakasa nti mazime yye yazalibwa mu mbeera ey'amagero, Era Katonda yatugamba mu qurani nti yatonda Isa "yesu" nga talina taata nga weyatonda Adam nga talina taata yadde maama naweekityo Katonda alina obusobozi kubuli kintu.

Era tukkiriza nti Isa/yesu si katonda, era si mwana wa Katonda, era teyakomererwa ku musaalaba wabula yye mulamu, Katonda yamutwala gy'ali asobole

okkomawo ku mulembe ogusembayo nga mulamuzi omwenkanya era ajja kubeera n'abasiraamu olwokuba abasiraamu be bakkiririza mu kutongoza Katonda ekyo Isa/yesu n'ababaka bonna kyebajja nakyo.

Era mazima ddala Katonda yatugamba mu Quran entukuvu nti obubaka bwa Isa/yesu baabukyusakyusa abakulisitaayo era waliyo abakyusakyusa ababuze abo abakyusa engiri ya Isa /yesu nebongera mu ennyiriri Isa /yesu z'atayogera , Era obujulizi bwekyo kuyitirira kwa kkopi z'engiri n'okukonagana okuyitirivu mu zzo

Mazima Katonda yatugamba nti mazima Isa /yesu yali asinza Katonda we era "Isa /yesu" teyagambako muntu yenna kumusinza wabula yali alagira abantu b'ekibiina kye kusinza mutonzi we, wabula sitaani yaleetera abakulisitaayo okusinza Isa /yesu. era Katonda yatugamba mu qurani nti tagenda kusonyiwa muntu yenna eyasinza ekitali Katonda, era Isa /yesu ku lunaku lw'enkomerero agenda kwesamba abo bonna abamusinza era abagambe nti nabalagira kusinza mutonzi era sibasabangako kunsinza. Era mu bujulizi bw'ekyo, Katonda yagamba:

يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لَا تَغْلُوا فِي دِينِكُمْ وَلَا تَقُولُوا عَلَى اللَّهِ إِلَّا الْحَقَّ إِنَّمَا الْمَسِيحُ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ رَسُولُ اللَّهِ وَكَلِمَتُهُ أَلْقَاهَا إِلَى مَرْيَمَ وَرُوحٌ مِنْهُ فَآمِنُوا بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ وَلَا تَقُولُوا ثَلَاثَةٌ انْتَهُوا خَيْرًا لَكُمْ إِنَّمَا اللَّهُ إِلَهٌ وَاحِدٌ سُبْحَانَهُ أَنْ يَكُونَ لَهُ وَلَدٌ لَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَكَفَى بِاللَّهِ وَكِيلًا

(abange mwe bananyini kitabo temusukanga mu ddiini yammwe era temwogeranga ku katonda okujjako amazima, mazima Isa /yesu masiya mutabani wa Mariyamu mubaka wa Katonda era kigambo kye kyeyasuula eri Mariyamu era mwoyo ogwava gy'ali kale mukkirize katonda n'ababaka be, era temugamba nga nti basatu, mukikomye ky'ekirungi gyemuli. mazima Katonda omutonzi ali omu yayawukana n'asukkuluma okuba nga alina omwana, bibye ebyo byonna ebiri mu gulu n'ebyo ebiri ku nsi, kimala Katonda okubeera nga yemukuumi)

.[4: 171]

Allah yagamba:

(وَإِذْ قَالَ اللَّهُ يَا عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ أَأَنْتَ لِلنَّاسِ اتَّخِذُونِي وَأُمِّي إِلَهَيْنِ مِنْ دُونِ اللَّهِ ۖ قَالَ سُبْحَانَكَ مَا يَكُونُ لِي أَنْ أَقُولَ مَا لَيْسَ لِي بِحَقٍّ ۚ إِنْ كُنْتُ فَلْنُفُتْ فَقَدْ عَلِمْتَهُ ۚ تَعْلَمُ مَا فِي نَفْسِي وَلَا أَعْلَمُ مَا فِي نَفْسِكَ ۚ إِنَّكَ أَنْتَ عَلَّامُ الْغُيُوبِ

(Jjukira ekiseera Katonda bwaligamba nti owange Isa /yesu mutabani wa Mariyamu ggwe wagamba abantu nti munfuule nze ne maama wange bakatonda babiri atali katonda "Yesu" aligamba nti oyawulwa ggwe tekiba kyange okuba nga njjogera ekyo ekitali mazima oba nali nkyogedde ddala wandikitegedde omanyi ekyo ekiri mu mwoyo gwange ate nze simanyi

ebyo ebiri mu ggwe, mazima ggwe mumanyi w'ebitalabikako (5: 116)

Oyo yenna ayagala okuwona ku nkomerero kiri gy'ali okuyingira obusiraamu era agoberere nabbi Muhammadi emirembe gibeere ku ye

Mu by'amazima byebegatako ba nabbi n'ababaka emirembe gibeere ku bbo nti mazima teri agenda kuwona ku nkomerero okujjako abasiraamu abo abakkiriza Katonda omugulumivu nebatamugattako kintu kyonna mu kumusinza era nebakkiriza banabbi n'ababaka bonna. N'abo abaali ku mulembe gwa nabbi Musa nebamukkiriza era nebagoberera enjigiriza ye bbo be basiraamu era abakkiriza abalongoofu. Wabula oluvannyuma lw'okutumibwa kwa Isa /yesu kyakakata ku bagoberezi ba Musa okukkiriza Isa /yesu n'okumugoberera, abo bonna abakkiriza Isa /yesu be basiraamu abalongoofu era abagaana okukkiriza Isa /yesu ne bagamba nti; tugenda ssigala ku ddiini ya Musa, abo si bakkkiriza; olw'okuba baagaana okukkiriza omubaka katonda gwe yatuma, era oluvannyuma lwa Katonda okutuma omubaka eyasembayo Muhammad, kyakakata ku bonna okumukkiriza. kuba Katonda eyatuma Musa ne Isa era y'oyo eyatuma Muhammadi , yenna awakanya

obubaka bwa Muhammad emirembe gibeere ku ye nagamba nti njassigala nga ngoberera Musa oba Isa /yesu oyo tabeera mukkiriza.

Era tekimala muntu oggamba nti mazima ye agulumiza abasiraamu era okusaddaaka n'okuyamba abanaku tekimumalira kuwona ku nkomerero wabula alina okukkiriza Katonda n'ebitabo bye n'ababaka be n'olunaku lw'enkomerero Katonda alyoke abikkirize. teliyo musango gusinga kugatta ku Katonda n'okumujeemera n'okuwakanya obubaka obwo katonda bwe yassa oba obwa nabbi obw'omubaka eyasembayo Muhammadi emirembe gibeere ku ye nebagaana okumukkiriza n'okuyingira mu ddiini y'obusiraamu bagenda kubeera mu muliro jahannama lubeerera nga katonda ow'ekitiibwa bwe yagamba;

{إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ وَالْمُشْرِكِينَ فِي نَارِ جَهَنَّمَ خَالِدِينَ فِيهَا ۖ أُولَٰئِكَ هُمْ شَرُّ الْبَرِيَّةِ}

{Mazima abo abawakanya mu banannyini kitabo naabo abagatta Katonda n'ebintu ebirala mu kumusinja bakubeera mu muliro jahannama lubeerera , era abo be babi okusinga ebitonde byonna}

[98: 6]

Mumbeera nti Katonda yassa obubaka obusembayo eri abantu, kikakata kubuli muntu awulidde ku

busiraamu n'awulira ku mubaka eyasembayo Muhammadi emirembe gibeere ku ye, okumukkiriza n'okugoberera amateeka ge n'okumugondera mu biragiro bye n'ebyo bye yaziyiza, nabwekityo oyo awulira ku bubaka buno obwa sembayo n'abuwakanya Katonda tagenda kumukkirizaako kintu kyonna, era ajja kumubonereza ku lunaku lw'enkomerero. Era n'obujulizi bw'ekyo Katonda yagamba;

(وَمَنْ يَتَّبِعْ غَيْرَ الْإِسْلَامِ دِينًا فَلَنْ يُقْبَلَ مِنْهُ وَهُوَ فِي الْآخِرَةِ مِنَ الْخَاسِرِينَ)

(N'omuntu anonya obutali busiraamu okugifuula eddiini ssi ya kukkirizibwa kuva gy'ali era ku lunaku lw'enkomerero aliba wamu n'abafafaaganiddwa)

[3: 85]

Era Katonda yagamba:

(قُلْ يَا أَهْلَ الْكِتَابِ تَعَالَوْا إِلَى كَلِمَةٍ سَوَاءٍ بَيْنَنَا وَبَيْنَكُمْ أَلَّا نَعْبُدَ إِلَّا اللَّهَ وَلَا نُشْرِكَ بِهِ شَيْئًا وَلَا يَتَّخِذَ بَعْضُنَا بَعْضًا أَرْبَابًا مِنْ دُونِ اللَّهِ ۚ فَإِنْ تَوَلَّوْا فَقُولُوا اشْهَدُوا بِأَنَّا مُسْلِمُونَ)

{(Ggwe Nabbi Muhammad) gamba nti abange mmwe abaaweebwa ekitabo mujje twegatte ku kigambo ekigatta wakati waffe nammwe, nakyo kwekuba nga tetusinza okugyako Allah, era tuleme ku mugattako kintu kyonna, era tube nga tetufuula abamu mufte ebyokusinza netuleka Allah. Ekyo bwebakivaako, mmwe mubagambe nti (mmwe)

mujulire nti mazima ffe tuli basiramu tukkiririza mu bw'omu bwa Allah.} .(3: 64)

Ki kyennina okukola okufuuka omusiraamu?

Omuntu okuyingira obusiraamu, ayina okukkiriza empagi omukaaga ez'obukkiriza nga nazo mulimu:

Okukkiriza Katonda era nti mazima ye mutonzi omugabirizi omukyusakyusa w'embeera omufuzi, talina kimufaanana kyonna era talina mukyaala wadde omwaana era mazima ye yekka ya saanidde okusinziibwa.

Okukkiriza ba Malaika nti baddu ba Allah yabatonda ng'abajja mukitangaala, era n'egimu kumirimu gyeyabawa kwekussa obubaka eri Bannabi be.

Okukkiriza ebitabo byonna Allah byeyassa ku ba nabbi be nga Taurati n'enjiri "nga tebinnaba kukyusibwa", nga n'ekitabo eky'asembayo ye Qu'an eyekitiibwa

Okukkiriza ababaka bonna nga Nuuhu ne Ibrahim ne Musa ne Isa nga n'eyasembayo mu bbo ye, Muhammad okusasira n'emirembe bibeere ku yye. Bonna bantu, Allah yabawa obubonero era nabawagira n'ebyaamagero ebyoleka amazima gabwe

Okukkiriza olunaku lw'enkomerero, akaseera Allah lw'agenda okuzuukiza abakulemba n'abalisembayo era alamule wakati w'abantu era ayingize abakkiriza jannah n'abatakkiriza abayingize omuliro

Okukkiriza okugera; nti Allah amanyi byonna ebyaayita, n'ebirijja mumaaso, era Allah yawandiika, era n'asalawo era n'atonda buli kintu.

Obusiraamu ly'ekkubo ly'okwesiima

Obusiraamu ddiini ya ba nabbi bonna era si ddiini ya bawalabu bokka.

Obusiraamu lye kkubo erituusa ku kwesiima okwannahamaddala mu nsi, n'ebiyengera ebyoluberera kunkomerero.

Obusiraamu y'eddini yokka etuukiriza ebyetaago by'omwooyo n'omubiri, era egonjoola ebizibu by'omuntu byonna.

Allah owekitiibwa yagamba:

{قَالَ اهْبِطَا مِنْهَا جَمِيعًا بَعْضُكُمْ لِبَعْضٍ عَدُوٌّ فَإِمَّا يَأْتِيَنَّكُمْ مِنِّي هُدًى فَمَنِ اتَّبَعَ هُدَايَ فَلَا يَضِلُّ وَلَا يَشْقَى وَمَنْ أَعْرَضَ عَن ذِكْرِي فَإِنَّ لَهُ مَعِيشَةً ضَنْكًا وَنَحْشُرُهُ يَوْمَ الْقِيَامَةِ أَعْمَى

{(Katonda) naagamba nti mwenna mugiveemu (mwe ababiri ne sitaane), abamu mu mmwe baliba balabe ba bannaabwe naye bwe buliba bubajjidde obulungamu, okuva gyendi oyo yenna aligoberera

okulungamywa kwange, tagenda kubula, wadde okwonooneka *

Ate oyo ava ku kubuulirira kwange, mazima abeera mu bulamu obunyiga, ate ku lunaku lw'enkomerero tugenda kumuzuukiza nga muzibe }

. [20: 123,124]

Migaso ki gyenfuna mukuyingira obusiraamu?

Okuyingira mu busiraamu kirina emigaso mingi, mu gyo:

Okufuna ekitiibwa n'obuwanguzi mu nsi, nga omuntu okubeera nga omuddu wa Allah, bwakitaba ekyo, omuntu awangaala nga muddu wa sitaani n'obwagazi bwomutima gwe.

- Obuwanguzi obusinga kunkomerero kwe okuwona ebibonerezo by'omuliro n'oyingira ejannah ne wewangulira okusiima kwa Katonda n'okubeera mu jannah lubeerera .

Abo Allah bagenda okuyingiza ejjana, bagenda kubeera mubyengera eby'olubeerera awatali kufa oba okulwala kwonna oba obulumi oba okukaddiwa oba okunakuwala, era b'akufuna buli kyebaagala.

Mu jjana, mulimu ebisanyusa ebyo amaaso ge bitalabangako, wadde amatu okubiwulirako, wadde omuntu yenna okubifumitirizaako.

Obujulizi kwekyo mulimu ekigambo kya Allah:

﴿مَنْ عَمِلَ صَالِحًا مِّن ذَكَرٍ أَوْ أَنشَىٰ وَهُوَ مُؤْمِنٌ فَلَنُحْيِيَنَّهٗ حَيٰوةً طَيِّبَةً
وَلَنَجْزِيَنَّهُمْ أَجْرَهُم بِأَحْسَنِ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ﴾

(Oyo yenna akola omulimu omulungi, kaabe musajja oba mukazi, nga naye mukkiriza, tugenda kumuwangaliza ddala mu bulamu obulungi era tugenda kubasasula empeera yaabwe nga baweebwa ekisinga obulungi ku lw'ebyo bye baakolanga).
.[16:97]

Ki kyenfirwa singa sikkiriza busiraamu?

Omuntu atakkirizza busiraamu ajja kusalwa obutafuna kumanya okusinga ekitiibwa , nga kwekumanya n'okuteegera Allah, era ajja kusalwa obutafuna kukkiriza Allah , okukkiriza mu Katonda kiwa omuntu obuteebenkevu muni n'ebyengera eby'olubeerera kunkomerero.

Era ajja kusubwa obutasoma ku Kitabo ekisiinga ekitiibwa ekyo Katonda kyeyassa eri abantu, era n'okukkiriza ekitabo ekyo eky'ekitiibwa.

Agya kufirwa omukisa gw'okukkiriza ba Nabbi ab'ebitiibwa, nga era bwagya okufirwa omukisa gw'okubeera nabo mu jjana ku lunaku lw'enkomerero, ate abeere kumpi ne sitaani, n'abonoonyi n'abagyeemu

mu muliro jahannama. Ekifo era n'omulirwaano ebisiinga obubi.

Allah owekitiibwa yagamba:

قُلْ إِنَّ الْخَاسِرِينَ الَّذِينَ خَسِرُوا أَنْفُسَهُمْ وَأَهْلِيَهُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ أَلَا ذَلِكَ هُوَ
الْخُسْرَانُ الْمُبِينُ (15) لَهُمْ مِنْ فَوْقِهِمْ ظُلَلٌ مِنَ النَّارِ وَمِنْ تَحْتِهِمْ ظُلَلٌ ذَلِكَ
يُخَوِّفُ اللَّهَ بِهِ عِبَادُهُ يَا عِبَادِ فَاتَّقُونِ { .

(Era) bagambe nti

:mazima abafiiriddwa be bo abaaafiirwa emyoyo gyabwe n'abantu baabwe ku lunaku lw'okuyimirira (mumaaso ga Katonda). Abange, okwo kwe kufiirwa okweyolefu

(Balina waggulu waabwe emizingo gy'omuliro ate nga ne wansi waabwe eriyo emizingo emirala. Ekyo nno Katonda atiisa nakyo abaddu be nga abagamba nti: abange baddu bange kale muntye).

. [39: 15,16]

Tolwaawo kusalawo!

Ensi ssi nnyumba yalubeerera...

nabuli kirungi ekigirimu kyakuvaawo era nabuli ky'abwagazi kyakuggwaawo

Era olunaku lujja kujja olwo lw'ogenda okubalibwa buli kw'ebyo bye wakulembeza okkola, era lwe lunaku lw'enkomerero, Katonda yagamba:

{وَوُضِعَ الْكِتَابُ فَتَرَى الْمُجْرِمِينَ مُشْفِقِينَ مِمَّا فِيهِ وَيَقُولُونَ يَا وَيْلَتَنَا مَالِ هَذَا الْكِتَابِ لَا يُغَادِرُ صَغِيرَةً وَلَا كَبِيرَةً إِلَّا أَحْصَاهَا وَوَجَدُوا مَا عَمِلُوا حَاضِرًا وَلَا يَظِلُّمُ لَكُمْ أَحَدًا}

{Era ekitabo kya buli omu kigenda kuleetebwa olwo nno noolaba aboonoonyi nga batya olw'ebyo ebikirimu, baligamba nti: nga tulabye kitabo kya ngeriki kino! Tekirekaayo katono oba kinene okugyako nga kikikomekkereza, bagenda kusanga nga buli kye baakola weekiri. Mukama omulabirizi wo tagenda kulyazaamaanya muntu yenna}. [18: 49].

Era Allah owekitiibwa yagamba nti omuntu afa nga tasiramuse obuddo bwe muliro jahannama nga ssiwakuvaamu olubeerera.

Okwo okufiirwa sikutono, wabula kunene, yagamba Katonda owekitiibwa:

{وَمَنْ يَبْتَغِ غَيْرَ الْإِسْلَامِ دِينًا فَلَنْ يُقْبَلَ مِنْهُ وَهُوَ فِي الْآخِرَةِ مِنَ الْخَاسِرِينَ}

{Oyo yenna ayagala okweteerawo eddiini etali busiramu tegenda kukkirizibwa okuva gyali, era nga yye ku lunaku lw'enkomerero agenda kubeera mu bafaafaganirwa}. [3: 85].

Allah tagenda kukkiriza ddiini ndala yonna mumaaso ge etali Busiraamu.

Allah yatutonda era gy'ali gyetugenda okuddizibwa, era edduniya eno kigezo gyetuli.

Beera n'okukasa: nti obulamu buno bumpi nga ekirooto...era teri n'omu amanyi lw'alifa!

onayanukula otya katonda wo bw'anakubuuza Ku lunaku lw'ekomero:

Iwaki tewagoberera amazima? Iwaki tewagoberera eyasembayo mu ba Nabbi?

Ojja kudamu otya Katondawo ku lunaku lw'enkomero, nga ate yakulabula ku biva mubutakkiriza busiraamu, era n'akugamba nti enkomero ya batakkiriza kwe okuzikirizibwa okw'oluberera mu muliro?

Era Allah yagamba:

﴿وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ﴾ [2: 39].

(Naye abo abaligaana okukkiriza ne balimbisa ebigambo byaffe be bo abagenda okubeera mu muliro lubeerera).

[2: 39].

Teri kisonyiyisa ku muntu aleka amazima nagoberera bakitaabe ne bajajjaabe

Katonda owekitiibwa yatutegeeza nti abantu bangi bagaana okuyingira obusiraamu olw'okutya mu kifo webawangaalira.

Era bangi abawakanya obusiraamu lw'ansonga nti tebaagala kukyuusa nzikkiriza zaabwe ezo zebasikira okuva ku bakitaabwe oba zebaakoppa okuva kubantu bebawangaaliramu, nebazimanyiira nebazeekwatako. N'abalala bangi nga ekibalemesa gw'emyooyo gw'obutayagala kuva kw'ekyo kyebaasikira

Abo bonna tebayina kisonyiyisa, era bajja kuyimirira mumaaso ga Katonda nga tebalina kyekwaaso.

omuntu awakanya nti Katonda taliyo tekimuwonya okugamba nti: ' nazaalibwa mu family nga bawakanya nti Katonda taliyo! Wabula ekimukakatako kwekukozesa amagezi ago Allah geyamuwa, nafumiitiriza ku bunene bw'eggulu nensi, era akozese amagezi Katonda we geyamuwa okumanya nti ensi eriko eyagitonda, Nabwekityo omuntu asinza amayinja n'amasanamu, teyekwaasa nti yye agoberera ba kitaabe era tekimuwonya, wabula kimukakatako okunoonya amazima era yebuuze: nyinza ntya okisinza ekintu ekikalu ekitampulira wadde okundaba era nga tekiyina kyekingasa?!

Nabwekityo omu kulisitaayo akkiririza mu bintu ebyawukana n'obutonde namagezi, kimukakatako okwebuuza nti: kijja kitya Katonda okutta omwana we

ataakola kyonoono kulw'ebibi by'abantu abalala?!
obwo bulyazaamaanyi! Ayinza atya omuntu okutta era
nabamba omwana wakatonda! Yye Katonda yali
tasobola kusonyiwa bantu nga tebamaze kutta mwana
we? Ye katonda yali tasobola kukuuma nwana we
butatuukako bulabe?

Ekikakata ku muntu ategeera kw'ekugoberera
amazima, era n'obutagoberera ba kitaabe ne bajajaa be
ku kikyamu.

Allah owekitiibwa yagamba:

﴿وَإِذَا قِيلَ لَهُمْ تَعَالَوْا إِلَىٰ مَا أَنزَلَ اللَّهُ وَإِلَىٰ الرَّسُولِ قَالُوا حَسْبُنَا مَا وَجَدْنَا
عَلَيْهِ ءَابَاءَنَا أَوْ لَوْ كَانَ ءَابَاؤُهُمْ لَا يَعْلَمُونَ شَيْئًا وَلَا يَهْتَدُونَ﴾

(Bwe baba nga bagambiddwa nti: Mujje eri ebyo
Katonda bye yassa n'eri omubaka, bagamba: Bitumala
ebyo bye twasangako bakitaffe, Abaffe!
newankubadde nga bakitaabwe baali tebamanyi kintu
kyonna era tebasobola kulungama). [5: 104].

akole ki omuntu ayagala okusiramuka naye nga akyetiririra akabi okuva mu benganda?

Yenna ayagala okusiramuka naye nga atya abantu
bawangaliramu, asobola okusiramuka mukyaama
okutuuka Allah bwamuteerawo ekkubo erimusobozesa
okusinza n'okwolesa obusiraamu bwe.

Ekikukakatako kw'okukkiriza obusiraamu mu bwangu, naye tekikukakatako kubuulira bakwetolode nti osiramuse oba okulangirira, singa ekyo kibeeramu obulabe gy'oli.

Manya nti bwosiramuka oba ofuuse waluganda ne milion ne million z'abasiraamu, osobola okuwuliziganya n'omuzikiti oba center yabasiraamu mu nsi gy'olimu obebuuzeeke era obasabe okkuyambako, ekyo bajja kisanyukira.

Allah owekitiibwa yagamba:

{وَمَنْ يَتَّقِ اللَّهَ يَجْعَلْ لَهُ مَخْرَجًا وَيَرْزُقْهُ مِنْ حَيْثُ لَا يَحْتَسِبُ}

{N'omuntu atya Katonda, "katonda" amuteerawo obufulumiro " n'ava mukunyigibwa kwaba alimu ka kube kwa kika ki" era n'amugabirira mungeri gyatasubira}

[65 : 2,3]

Owange gwe omusomi owekitiibwa

Tekuli okusiimisa Allah- oyo eyatuwa ebyengera byonna, era eyatuwa ebyokulya nga tuli mabujje mu mbuto z'abanyaffe era n'atuwa omukka gwetussa - okumusiimisa kusinga okusiimisa abantu?

Abange okutuuka kubuwanguzi bw'okunsi n'enkomerero kisaana kwelekereza obwagazi bw'okunsi obw'ekiseera? ndayira Allah kituufu!

Toleka ebyo ebyayita bikulemese okutereeza ensobi zo n'okukola ekituufu.

Beera leero omukkiriza owa namaddala! era tokkiriza sitaani okulemesa oggobwerera amazima

Allah owekitiibwa yagamba:

{يَا أَيُّهَا النَّاسُ قَدْ جَاءَكُمْ بُرْهَانٌ مِنْ رَبِّكُمْ وَأَنْزَلْنَا إِلَيْكُمْ نُورًا مُبِينًا (174)
فَأَمَّا الَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَاعْتَصَمُوا بِهِ فَسَيُدْخِلُهُمْ فِي رَحْمَةٍ مِنْهُ وَفَضْلٍ
وَيَهْدِيهِمْ إِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ (175)}

{Abange mmwe abantu mazima bwabajjira obubonero obwenkukunala, era nga twassa gyemuli ekitangaala ekyeyolefu "Kur'ani" (174)

Naye abo abakkiriza Katonda nebeenywereza ku ye, abo nno agenda kubayingiza (e jjana) nga kusaasira okuva gyali (era alibawa) ebigabwa (ebirala), era abalungamyenga eri ekkubo eribatuusa gyali, nga kkubo ggolokofu (175)}

[4: 174,175]

Oli mwetegefu okukola okusalawo okusinga obunene mubulamuu bwo?

Bwebiba ebikulembedde byonna nga byamagezi gy'oli, nga

omaze okumanya amazima mumutima gwo, oteekeddwa okusenvula ebigeere eri okufuuka omusiraamu.Oyagala nkuyambe mu kusalawo

ekisinga obulungi mu bulamu bwo n'okukulambika ku ngeri gy'oyinza okufuuka omusiraamu?

Toleka bibi byo kulemesa kuyingira busiraamu. Katonda yatugamba mu Quran nti asonyiwa ebibi by'omuntu byonna singa akyuka neyenanya eri omutonzi we, ne bwomala okukkiriza obusiraamu kya butonde ojja kukola ebibi ebimu, ffe tuli bantu so si bamalaika abatasobya naye ekitwetaagisa kwe okusaba katonda atusonyiwe n'okwenanya gy'ali, era Katonda bwalaba nga oyanguyirizza okukkiriza amazima n'oyingira mu busiraamu n'oyatula shahaada, olwo ajja kukuyamba okuleka ebibi ebirala, oyo asemblera eri Katonda n'agobelega amazima, Katonda ajja kumulung'anya okutuuka ku bulungi obulala n'olwekyo tosikattila kuyingira busiraamu kati.

Obujulizi kwekyo mulimu ekigambo kya Allah:

﴿قُلِ الَّذِينَ كَفَرُوا إِن يَنْتَهُوا يُغْفَرْ لَهُمْ مَا قَدْ سَلَفَ﴾

(Gamba abo abatakkiriza nti:bwe baba nga bakomezza ebyo bye babaddeko eby'okuyigganya abakkiriza bajja kusonyiyibwa ebyo ebya'akulembela) .[8:38]

Nkole ki okufuuka omusiraamu?

Okuyingira mubusiraamu kyangu era tekiliiko bulombolombo wadde okutekawo embeera

eyeyawulidde oba okuyita omuntu yenna, wabula ekyetagisa kumuntu kwe okutoola shahaada nga ategedde amakulu gaayo era nagikkiriza, nagamba nti:(Ash-hadu anla ilaaha illa- Allah wa ash-hadu anna Muhammadan Rasul-Allah), bwekiba kikwanguyidde okukyogera mululimi oluwarabu kiba kirungi bwekiba kikuzibuwalidde,

osobola okukyogera mululimi lwo kikumalira okufuuka omusiraamu, oluvunnya oba oyina okusoma eddini yo egenda okuba ensibuko y'okwesiimaakwo munsu nekunkomerero.

Okumanya okusingawo ku busiraamu, kozesa omukutu guno::

N'okuyiga engeri yo okussa obusiraamu mu nkola,tusaba ogende ku mukutu gwa yintaneeti:

الفهرس

Ani eyantonda ? Era lwaki ?	2
Buli kintu kyonna kiraga okubeerawo kw'Omutonzi	2
Allah eyayawukana era owawaggulu	3
EBITENDO BY'OMULEZI ALLAH OW'EKITIIBWA OMUGULUMIVU	5
Omulezi asinzibwa alina okutendebwa n'ebitendo ebijjuvu	6
Abaffe kisoboka omutonzi okutuleka nga tetulina bubaka	8
QURAN EYEEKITIIBWA	10
Lwaki ababaka bangi?	11
Omuntu tasobola kubeera mukkiriza nga takkiririza mu babaka bonna	12
Obusiraamu kye kki?	13
Abasiraamu bakkiriza kki ku Isa "yesu"?	15
Ki kyennina okukola okufuuka.....	21
omusiraamu?.....	21
Obusiraamu ly'ekkubo ly'okwesiima	22
Migaso ki gyenfuna mukuyingira obusiraamu?.....	23
Ki kyenfiirwa singa sikkiriza busiraamu?	24
Tolwaawo kusalawo!	25
Teri kisonyiyisa ku muntu aleka amazima nagoberera bakitaabe ne bajajjaabe	27
akole ki omuntu ayagala okusiramuka naye nga akyetiririra akabi okuva mu benganda?.....	29
Owange gwe omusomi owekitiibwa.....	30

Oli mwetegefu okukola okusalawo okusinga obunene mubulamuu bwo?	31
Nkole ki okufuuka omusiraamu?.....	32